| Essomo 3 | الدرس الثالث |
| --- | --- |

# Okumala ekyetaago:

N'ezimu kumpisa zokumala ekyetaago zezino;

**1.** Omuntu nga ayingira mu kabuyonjo akulembeza okugulukwe okwa kkono n'agamba nti;

Bisimillah ayi Katonda mukama wange nkusaba nga newogoma mu ggwe onkingirize amajinni amabi amazi n'amasajja. Ate bw'afuluma afulumya okugulu okwa ddyo n'agamba nti; ayi Katonda wange nsaba kisonyiwo.

**2.** Era tasanidde kuyingira nakintu kyonna mukabuyonjo nga kirimu okujjukira Allah gamba Qur'an oba ekitabo kya hadith nebirala, okujja nga atidde nti singa anaakireka ebweru kijja kumubulako.

**3.** Talina kwolekera kibula oba okukikuba amabega nga amala ekyetaago singa akimalidde bweru awatali muzimbo (kaabuyonjo). Wabula ewazimbiddwa nga ali munda mu muzimbo akkirizibwa ekibula okukikuba amabega naye takyolekela.

**4.** Okubikka obweleerebwe natakunamira bantu era tatekwa kugayaaririra nsonga eno, songa obweleeele bwomusajja kyekitundu ekiri wakati wekundi n'amaviivi ate ye omukyala yenna bwereele.

**5.** Okwekuuma okulaba nga omubirigwe oba engoyeze tezigendamu (nagisi) bukyafu.

**6.** Okweyonja n'amazzi oluvanyuma lw'okumala ekyetaago oba okukozesa amayinja oba toilet paper nebirala ebisobola okutukuza obuufu bwe nagisi, era nga kino akikola ekyokwetukuza nga akozesa omukono gwe ogwa kkono.